**10th March 2019.**

# EKIWEEBWAAYO OLW'EKIBI.

**Eby'Abaleevi 5.**

Nga bwe twaakiraba omulundi ogwaggwa nti ebiweebwaayo bino ebibiri; olw'okwoonoona n'olwekibi byalina okuweebwaayo buli omu mu Isirayiri olw'okuba tewaali n'omu ataayonoonanga n'aba mu kibi.
Kaakano mu ssuula eno ey'okutaano n'eddako ey'omukaaga ekiweebwaayo ekyogerwaako ky'ekiweebwaayo olw'ekibi (Trespass offering).
Era ekyewuunyisa nti okwoonoona n'ekibi ssi by'ebimu? Okusooka mu bwangu tulaba nti byawufu kubanga n'ebigambo byawufu, naye enjawulo eri mu kutegeera nti okwoonoona kwe kuleetera ekibi. Okutegeera kwe kuyinza okkumanyisa nti ssi kukyanga kwa bigambo (play of words), wabula nti waliwo enjawulo y'amakulu.
Tujja kweyambisa Zabbuli 51 mu kusomesebwa leero okkiraba n'okuyambwa okufuna omulaka gw'omusomo gwa leero. Eno yali Zabbuli ya Kabaka Dawudi oluvannyuma lwa Nabbi Nasani ommwaatuukiriza okwoonoona kwe n'ommulaga ekibi kye ng'amaze okwenda ne Basuseba n'okutemula bba Uliya.
Bwe tugendayo ne tusooka tusoma ennyiriri ettaano zigamba nti……[Zab. 51:1-5].
Ezo z'ezimu ku nnyiriri ezikiggyayo nti tetuli boonoonyi kubanga twoonoona, wabula twoonoona kubanga tuli boonoonyi. (We're not sinners because we sin, but we sin because we're sinners.) Embala y'obwoonoonyi Kristo gye yavumula tuve mu bibi.
N'olw'ekyo enjawulo y'ekiweebwaayo ky'ebibi kwe kuba nti kyakolanga ku bikolwa by'ebibi (specific sins), ate ekiweebwaayo olw'okwoonoona kyakolanga ku mbala y'ekibi (sin nature). Era mu kiweebwaayo kino mulimu obweetaavu bw'okwatula (to confess), era n'okuliyirira (restitution), nga bwe kyaali kyeetaagisibwa omuntu okuggibwaako omusango.

Tusome essuula…..

Tulaba nti ekisooka okuggibwaayo kyakwasaganyizibwa na bulimba, kuba nkiwa Mukama akimanyi nti obulimba bwe buggulira ebibi ebisinga oluggi okuba mu bulamu bwaffe.

Tulaba nti tewaali kweekwaasa kwa butaba na busobozi, omugagga n'omwaavu buli omu yalina okuwaayo ekiweebwaayo olw'ekibi. Ataasobolanga ndiga oba mbuzi ento enkazi, yaleetanga bukamukuukulu(turtle doves) oba enjiibwa(pigeons) kyokka ataabisobolanga yaleetanga kimu kya kkumi ekya efa ey'obuwunga obulungi.

Okwenenya n'okuliyirira byateekebwaawo omuntu okuggibwaako omusango (guilt) olw'ekibi kye, nga bwe tumanyi nti ne Yesu Kristo yagamba nti bw'oba n'ensonga ne muganda wo ssooka ogitereeze olyoke oweeyo ssaddaaka yo eri Mukama, agisiime [Matt. 5:23,24]………

N'olw'ekyo ku lwaffe tumanyi nti Yesu Kristo yeewaayo olw'okwoonoona kwonna n'amalamu ekibi amaanyi, tufuulwe obutuukirivu bwa Mukama mu Yye, ekitugwaanyisa omukkiririzaamu buli kiseera tweyongere mu kwagala kwa Mukama, ne bwe tuba nga tusobezza eri Mukama n'abalala.
I Yok. 1:5-9.. Buno bwe bubaka bwe twafuna okuva gy'ali: tubategeeza nti, Katonda musana; mu ye temuliimu kizikiza n'akatono. Noolwekyo bwe twogera nti tussakimu naye, ate ne tutambulira mu kizikiza, tuba balimba era tetuba ba mazima. Naye bwe tutambulira mu musana nga ye bw'ali omusana, olwo tussakimu buli muntu ne munne, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we, gutunaazaako buli kibi kyonna. Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe. Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. Bwe tugamba nti tetulina kibi, tumufuula mulimba era nga n'ekigambo kye tekiri mu ffe.